

# EBISIYAGA!

N'EKYAFAAYO KYA SODOMA NE GOMORA

جَرِيْهُ الْوَاطِ وَمَا قَصَّ اللَّهُ لَنَا مِنْ اهْلَكَ قَرْيَةً سَدُومَ قَرْيَةً قَوْمٌ لَوْطٌ



Kiwandiikiddwa

SHEIKH MUHAMMAD QURAISH MAZINGA



Amatendo amalungi era amajjuvu ga mutonzi waffe Allah ﷺ. Tumwebaza olw'ebiyengera ebiyitirivu by'atugonnomo lako emisana n'ekiro, ebyeyolefu n'ebiekusifu. Mu byengera ebyo, mwe muli okututonda n'okutuwa obulabirizi bwe obutuukagana n'obutonde bwaffe.

Gwe yatonda nga musajja, yamuwa ebitendo ebyomunda ne kungulu nga bya kisajja. N'ateeka mu mutima gwe okwewulira obusajja, era n'amulungamya eri empangaala y'ekisajja. Gwe yatonda nga mukyala, yamuwa ebitendo ebyomunda ne kungulu nga bya kikyala. N'ateeka mu mutima gwe okwewulira obukyala, era n'amulungamya eri empangaala ey'ekikyala.

Mw'ebyo bye yatondera mu musajja, mwe muli obwetaavu eri omukyala. Obwetaavu bw'okwegatta, n'obwetaavu bw'okwagalwa, n'okulabirirwa, n'okubudaabudibwa, n'okuzaalirwa abaana, n'obwetaavu obulala bungi nnyo omusajja bw'alina mu mukyala. Mw'ebyo bye yatondera mu mukyala, mwe muli obwetaavu eri omusajja. Obwetaavu bw'okwegatta, n'obwetaavu bw'okwagalwa, n'okulabirirwa, n'okukuumibwa, n'okuzaala n'ebirala bingi.

Enteekateeka ya Allah ﷺ eyo, ey'okuteeka mu mitima gy'abasajja obwetaavu obw'amaanyi eri abakyala, n'obwetaavu bw'abakyala eri abaami, n'okuteeka ku buli omu ebitendo ebiyaayaanirwa era ebitebenkeza omulala, kabonero ka maanyi akalaga obukenkufu

bwa Allah ﷺ ku mbeera z'ebitonde bye n'obwetaavu bwabyo. Era kabonero akalaga obusaasizi bwe, n'obulungi bwe, n'obuyinza bwe, n'obujjuvu bw'enteekateeka ye. Nga atusongera ku kyengera kye kino, ekisindika abalungamu eri okumwebaza, yagamba nti:

﴿وَمِنْ آيَاتِهِ أَنَّ خَلَقَ لَكُمْ مِنْ أَنفُسِكُمْ أَزْوَاجًا لِتَسْكُنُوا إِلَيْهَا وَجَعَلَ بَيْنَكُمْ مَوَدَّةً وَرَحْمَةً إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَاتٍ لِقَوْمٍ يَتَفَكَّرُونَ ﴾٦١ [سورة الروم]

**Ne mu byengera bye, kwe kubatondera abakyala nga abaggya mu mmwe musobole okufuna mubo obutebenkero.**

N'ateeka wakati wammwe n'abakyala abo omukwano n'okusaasirigana. Mazima mw'ekyo kye yabakolera mulimu obubonero obubalaga obuyinza bwe eri abo abasiriikirira.

Mu kyengera ekyo eky'ekitiibwa eri omuntu, mulimu n'ebigendererwa by'omutonzi ebirala. Mu byengera ebyo, mwe muli okugenderera n'okusigalawo kw'omuntu okutuusa enkomerero lw'eriyimirirawo. Ekyo tekisobola kubeerawo okuggyako nga abantu bazaala ne bavaamu bantu bannaabwe abasigalawo nga abakulu bavuddewo.

Ekyo nakyo tekisobola kubeerawo okuggyako nga ekikolwa ekivaamu okuzaala kibaddewo wakati w'ekisajja n'ekikazi, ate mu kifo kyokka ekisobola okumereramu ensigo esigiddwa omusajja. Ne kitegeeza nti kiba kikolobero kinene okwegatta n'omukyala mu kifo ewatasobola kumerera nsigo. Olw'ensonga eyo, Allah ﷺ

yateeka omusajja mu kifaananyi ky'omulimi. N'ateeka omukyala mu kifaananyi ky'ennimiro esigibwamu n'emeramu ebibala eby'omugaso. Yagamba ﴿ nti:

﴿نَسَأُلُّكُمْ حَرُثٌ لَكُمْ فَأَتُوا حَرُثًا أَنِّي شَيْئًا شَيْئًا﴾ [سورة البقرة: ٣٣]

### **Abakyala nimo zammwe. Mugende eri ennimiro zammwe mu ngeri yonna (style) gye mwagadde**

Ekigendererwa ky'okuzaala n'okwala n'okusigalawo, Allah ﷺ teyakiteeka ku muntu yekka, wabula yakiteeka ku buli kiramu ekiri mu nsi. Omuli ensolo, ebinyonyi, ebiwuka, ebyenyanja n'ebyawalula. Ebitonde ebyo mu kuba nti amagezi gaabyo tegalina kye gali nga ogageraageranyizza ku g'omuntu omussiru, tebyawuguka ku nteekateeka y'omutonzi. Ebisajja obwagazi bwabyo bibumalira ku bikyala, ate mu kkubo ly'ebikyala lyokka erimeramu ensigo y'ebisajja.

## **KAMPEYINI Y'EBISIYAGA**

Emyaka ssi mingi egiyise, twatandika okuwulira nti mu bulaaya waliyo abantu abeesowolayo mu ngeri y'obwa kaggw'ensonyi obw'ekika ekya waggulu, ne bakawangamula nti ddembe lya buntu omusajja okwegwanyiza n'okwegatta ne musajja munne, n'omukyala okwegatta ne mukyala munne!! Era nti ddembe lya buntu omusajja okwefuula omukyala, n'omukyala okwefuula omusajja!! Mu kiseera ekkyo, kyawulikika ng'eddalu erirabwako

buli muntu, era nga tewali abuuusabuusa nti kampeyini yaabwe terina lugendo.

Tewaaayita kiseera kiwanvu, ne tutandika okuwulira nti efuuse nsonga ekubaganyizibwako ebirowoozo mu nkiiko z'amasaza g'america, nga abamu bawagira eky'okuba nti ddembe lya buntu, nga abalala bakiwakanya. Okukkakkana, nga amateeka agakugira okuboolebwa kw'abasiyazi mu masomero, ne ku mirimu, ne mu mbeera endala, n'okubalengezza, gayisiddwa mu America n'agasinga obungi ku mawanga aga bulaaya.

We twogerera ng'ensi erimu abakulembeze b'amawanga nga beeyogerako lwatu nti bali ba bisiyaga! We twogerera ng'obufumbo bw'abalyi b'ebisiyaga bwa kyere mu mawanga agawera. Omusajja atambula ne munne mu lujjudde, ng'omu asongebwako nti mukyala, omulala nti mwami we! N'abakyala bwe batyo! Mu mawanga ago, balina n'eddemebe ly'okwola abaana b'abalala bo be batasobola kuzaala!!

Abavujjirira ekize kino, tebaatebenkera, okutuusa nga bakisaasaanyizza n'ewalala. Anti nnyini kize atamwa okwenyinyalwa obw'omu, ky'ava afuba wabeewo n'abalala abamu faanana awone okuwemuka n'okuweebuuka yekka. N'olwekyo ne bafuula ekize kino ensonga mbu kwe bategeerera munnabyabufuzi omugunjufu, atuukagana n'omutindo gw'obulamu bw'abwe obwesulifu, omulwanirizi w'eddemebe ly'obuntu, era mbu agwana okufuna obuwagizi bwabwe .

Ekiseera ky'okulonda omukulembeze bwe kituuka, nga bateeka abeesimbyewo ku nninga balage we bayimiridde ku kize kino ekikolimire. Abakakasa nti akyagala, nga bamuteeka mu kifaananyi ky'omulwanirizi w'eddembe ly'obuntu. Abakakasa nti takyagala, nga bamuteeka mu kifaananyi ky'omulabe w'eddembe ly'obuntu. Abeesimbyewo bona bwe babakakasa nti tebakyagala, nga bagamba nti eryo eggwanga likyali mabega terinnakula mu ddembe ly'obuntu!

Ebibiina by'ensi yonna ebinene, okuviiira ddala ku kisingira ddala obunene, nga ky'ekibiina ky'amawanga amagatte (**UN**) n'ebitongole byakyo naddala eky'eddembe ly'obuntu **UNHRC**, n'ebibiina by'ensimbi eby'ensi yonna ekya **World Bank** ne **IMF**, bye biyima by'ekibiina kya **LGBTQ**, era bye bikuleembeddemu kaweeufube waakyo ow'okusaasaanya ekikolobero ky'ebisiyaga mu nsi yonna, n'okutiisatiisa eby'enfuna by'amawanga agagezaako okukyesimba mu maaso.

Ku nkomerero y'omwaka oguwedde, ensi yayuuguumye n'amawulire g'ebbula ly'eddembe ly'obuntu mu ggwanga lya Qatar. Nga n'ensonga eyabadde ku ntikko mu nsongea eziweebwa, kwe kuba nti mu nteekateeka yaalyo ey'ekikopo ky'omupiira eky'ensi yonna, lyagaanye okukola enteekateeka etebenkeza abasiyazi abava mu mawanga agaggwamu ensa.

Ensonga y'ebisiyaga kati, eri ku ddaala ly'okuba nti, eddembe ly'abasiyazi kakwakkulizo k'amawanga amagwenyufu amagabi g'obuyambi okuwa zi gavumenti enneetaavu obuyambi!!!!



## OBUSIRAAMU N'EBISIYAGA

Ebisiyaga kye kimu ku bikolobero ebimanyifu, era kyonoono ekyeyolefu mu namula y'eddiini y'obusiraamu. Ebisiyaga bwonoonefu obw'olulango, era bujeemu obw'ekika ekya waggulu mu namula y'eddiini y'obusiraamu. Ebisiyaga kyonoono kinene, era kubuuka nsalo z'omutonzi w'eggulu n'ensi. Ebisiyaga muze ogwenyinalwa, era bugwenyufu obwenkukunala mu namula y'eddiini y'obusiraamu.

## SODOMA NE GOMORA

Omutonzi waffe Allah ﷺ yatutegeeza obukyayi bwe eri bannanyini muze guno, n'atubuulira obw'esulifu bw'entegeera yaabwe, n'obukyafu bw'emิตima gyabwe obwabatuusa okulekawo ebirungi era ebiyonjo Allah ﷺ bye yabatondera. Ne basalawo mu ngeri y'obubuyabuya, n'obwa kiwagi, n'akambaayaaya, n'obukalukalu, n'obuwemu, n'obujeemu, okwegwanyiza n'okwolekera ebikyafu, ebyenyinalwa, ebiruma, nga birimu n'emitawaana mingi egibivaamu.

Allah ﷺ nga atulaga obukyayi bwe eri ba kiwagi bano, n'enegeri ey'entisa ennyo gye yazikiriza bannaabwe abaakulembera okwebagala omuze gw'ebisiyaga omukolimire, yatunyumiza ku mulembe gwa nabbi we Luutu ﷺ. Nabbi ono, eyali omwana wa

taata wa nabbi Ibrahiim ﷺ omuto, yagezesebwa n'okutumwa mu bantu abaalina ekize kino ekivundu.

Yatumwa mu bantu be Kanaan, so nga ye ne nabbi Ibrahiim baali Babebulaaniya enzaalwa ze **Baabil** (Babylon) mu Iraq. Nabbi Luutu ﷺ yasooka kuba mugoberezi wa nabbi Ibrahiim nga nabbi Luutu tannafuna bwanabbi. Bwe baasenguka abantu baabwe abababilooni abashiriku, abaagaana Tauhiid ne basuula Nabbi Ibrahiim ﷺ mu muliro, bombi baasengukira mu nsi ye Kanaan.

Ensi ye Kanaan (**Kan'aan**), era eyitibwa Shaam. Etwaliramu olwaleero Palastine, n'ebitundu byonna ebyewangamizibwako abayisirayiri, ne Lebanon, n'ebimu ku bitundu bya Syria ne Jordan. Allah yawa nabbi Luutu obwa nabbi, n'amutuma mu kitundu kye Sodoma (**Saduum**) ekisangibwa mu Kanaan. Ekitundu kye Sodoma wennyini we kyali, olwaleero weewali ennyanja enfu, eyitibwa **Dead Sea**. Allah ﷺ agamba nti:

﴿فَأَمَرَ رَبُّهُ لُوطٌ وَقَالَ إِنِّي مُهَاجِرٌ إِلَى رَبِّي﴾ [سورة العنكبوت ٢٦]

**Nabbi Luutu n'akkiriza nabbi Ibrahiim era n'amugoberera.**

**Nabbi Ibrahiim n'agamba nti: mazima nze nsenguse  
mbaviiridde ngenzi eri omulezi wange**

Ekitundu nabbi Luutu ﷺ kye yatumwamu, kyalimu ebibuga bitaano nga byonna awamu abatuuze baabyo bali millions nnya. Ekibuga ekisinga obunene kyali kiyitibwa mu luwarabu **Saduum**

(Sodoma) era nga nabbi Luutu ﷺ mw'abeera. Ibn Al Jawzi *Rahimahullah* agamba mu tafsiir ye eyitibwa *Zaad Al Masiir* nti:

قِيلَ: كَانَتْ خَمْسٌ قُرَى، أَعْظَمُهَا سَدُومٌ، وَكَانَ الْقَوْمُ أَرْبَعَةً آلَافَ الْأَلْفُ  
(زاد المسير لابن الجوزي، 143/4)

**Kigambibwa nti: ekitundu ekyatumibwamu nabbi Luutu  
kyali kikolebwa ebibuga bitaano. Ng'ekibuga ekisinga  
obunene kiyitibwa Sodoma. Ennamba y'abatuuze  
b'ekitundu ekyo yali millions nnya.**

Ekibuga Sodoma, olw'obunene bwakyo, erinnya lyakyo lyawamba amannya g'ebibuga ebisigadde, era abantu ba nabbi Luutu ﷺ abaazikirizibwa mu bibuga byonna, ne watasigalawo n'omu, mu Luganda bayitibwa abantu ba *Sodoma*. Abamanyi abalala bagamba nti ebibuga byali bina. Ibn Aashuur Attuunisi *Rahimahullah* agamba, ng'atubuulira amannya g'ebibuga ebyo ebina n'ekifo we byali bisangibwa nti:

مَسَاكِنَ قَوْمٍ لُوطٍ وَهِيَ: سَدُومٌ، وَعَمُورَةٌ، وَأَدَمَةٌ، وَصَبْوِيمُ وَكَانَتْ قُرَى  
مُتَجَاوِرَةً... وَكَانَتْ فِي جِهَاتِ الْأَرْدُنِ حَوْلَ الْبَحْرِ الْمَيْتِ  
(التحرير والتنوير للعلامة ابن عاشور التونسي، 10/261)

**Ebifo ebyalimu abantu nabbi Luutu be yatumwamu byali:  
Sodomah, Gomorah, Adamah, ne Swib'wiim. Byali bibuga  
ebiriraanaganye, nga biri okwetooloola awo ewali ennyanja enfu  
(dead sea) ku ludda lw'eggwanga olwaleero eriyitibwa Jordan**

Nabbi Luutu ﷺ yabakoowoola bakkirize Allah ﷺ, era bamwawule bamusinze yekka, era bakkirize nti naye mubaka we, ne bagaana. N'abakoowoola bave ku kize ky'ebisiyaga, ne beerema. N'abalaga nti bagunjizzaawo ekize ekitabangawo mu byafaayo by'omuntu era ekyawukana n'obubumbwa obulamu, nga tebamuwa matu. Allah ﷺ atunyumiza nti:

﴿وَلُوطًا إِذْ قَالَ لِقَوْمِهِ أَتَأْتُونَ الْفَحِيشَةَ مَا سَبَقَكُمْ بِهَا مِنْ أَحَدٍ مِّنَ الْعَالَمِينَ ﴾ إِنَّكُمْ لَتَأْتُونَ الرِّجَالَ شَهْوَةً مِّنْ دُورِ النِّسَاءِ  
بَلْ أَنْتُمْ قَوْمٌ مُّسَرِّفُونَ ﴾ [سورة الأعراف: ١٦٥]

**Ne nabbi Luutu, we yagambira abantu be yatumwamu nti: Abange! Mwebagadde ekikolobero ekiteebagalwangako muntu yenna?! Bannange! Ddala ddala, mumala obwagazi bwammwe ne basajja bannammwe, ne mulekawo abakyala?!**  
**Mu butuufu bantu mmwe, mususse ensalo.**

Mu Aya endala, nabbi Luutu ﷺ yabagamba nti:

﴿أَتَأْتُونَ الْذِكْرَانَ مِنَ الْعَالَمِينَ ﴾ وَتَذَرُونَ مَا خَلَقَ لَكُمْ رَبُّكُمْ مِّنْ أَزْوَاجِكُمْ بَلْ أَنْتُمْ قَوْمٌ عَادُونَ ﴾ [سورة الشعراء: ١٦٦]

**Mu bantu mulabyemu basajja bannammwe nga be mugwana okwegatta nabo?! Ne mulekawo abakyala, Allah**

**be yabatondera nga be mulina okwegatta nabo?! Wabula mulumbaganye ensalo za Allah ne muzibuuka.**

Mu Aya endala, nabbi Luutu ﷺ yagamba nti:

﴿أَتَأْتُوْنَ الْفَحْشَةَ وَأَنْتُمْ تُبْصِرُوْنَ﴾ [٤٤] أَيْتَكُمْ لَتَأْتُوْنَ الْرِّجَالَ  
شَهْوَةً مِّنْ دُوْرِنِ النِّسَاءِ بَلْ أَنْتُمْ قَوْمٌ تَجْهَلُوْنَ﴾ [٤٥] [سورة النمل]

**Mwebagala obwonoonefu n'obukaba obutagwanidde  
nammwe bwe mulabirako ddala?! Ddala ddala, mumala  
obwagazi bwammwe ne basajja bannammwe ne mulekawo  
abakyala?! Mu butuufu bantu mmwe muli babuyabuya**

Mu Ayat endala Allah ﷺ yagamba nti:

﴿وَلُوطًا أَتَيْنَاهُ حُكْمًا وَعِلْمًا وَنَجَّيْنَاهُ مِنَ الْقَرْيَةِ الَّتِي كَانَتْ تَعْمَلُ  
الْجَنَاحِيْثَ إِنَّهُمْ كَانُوا فَوْرَمْ سَوْعِ فَلَسِقِيْنَ﴾ [٧٦] [سورة الأنبياء]

**Ne nabbi Luutu twamuwa obulamuzi n'obwanabbi wamu  
n'okumanya. Era ne tumuwonya ekitundu kye Saduum  
(Sodoma) ekyo abatuuze baakyo kye baakolerangamu  
ekikolobero ekyenyinyalwa (ebisiyaga). Mu butuufu  
baali kibiina ky'abantu ababi era aboonoonefu.**

Ebyo bye bimu ku bitono Allah bye yatunyumiza ku Da'wah ya  
nabbi Luutu eri abantu be.

## **BYE TUYIGA MU BIGAMBO BYA NABBI LUUTU ERI ABALYI B'EBISIYAGA**

**Ekisooka:** Okulya ebisiyaga ssi mbeera ya buntu, era okuva ku mulembe gwa Nabbi Adam ﷺ okutuuka ku mulembe gwa nabbi Luutu omuze guno gwali tegumanyiddwa. Anti okirabye bulungi nga nabbi Luutu ﷺ abeewuunya, era nga abanenya okugunjaawo ekize ekyali kitamanyiddwa mu mirembe gyonna egyakulembera.

**Eky'okubiri:** Okulya ebisiyaga ssi ddembe lya buntu. Singa libadde ddembe omutonzi lye yawa omuntu, Allah ﷺ teyalinenyezza bagwenyufu bano wadde okbazikiriza mu nzikiriza embi ennyo, nga bw'ogenda okulaba engeri gye yazikirizaamu abantu b'ekibiina kya nabbi Luutu ﷺ.

**Ekyokusatu:** Okulya ebisiyaga bwonoonefu obw'olwatu, era ne bannyini kubirya ekyo bakiraba bulungi era bakimanyi. Anti olabye nabbi Luutu ﷺ nga abagamba nti: ***Mwebagala obwonoonefu n'obukaba obutagwanidde nammwe bwe mulabirako ddala?!***

**Ekyokuna:** Obwagazi bw'okwegatta omusajja alina kubumala na mukyala so ssi na musajja munne. N'omukyala alina kubumala na musajja, so ssi na mukyala munne. Abakyala Allah ﷺ be yatondera abasajja, so ssi basajja bannaabwe. N'abasajja Allah be yatondera abakyala, so ssi bakyala bannaabwe. Olabye nga Nabbi ﷺ abagamba nti: ***Mu bantu mulabyemu basajja bannammwe nga be***

*mugwana okwegatta nabo?! Ne mulekawo abakyala Allah be  
yabatondera nga be mulina okwegatta nabo?!*

**Ekyokutaano:** Abalyi b'ebisiyaga bantu babi era boonoonefu. Allah ﷺ bwe yali aboogerako, nga bwe mulabye mu Ayat, yagamba nti: ***Mu butuufu baali kibiina ky'abantu ababi era aboonoofu.***

**Eky'omukaaga:** Alya ebisiyaga, aba abuuse ensalo za Allah ﷺ nannyini ggulu n'ensi, era nannyini biragiro, oyo ateededdwa okugonderwa mu kulekayo ky'agaanye n'okukola ky'alagidde. Nabbi Luutu ﷺ olabye nga yagamba abantu be nti: ***Mu butuufu bantu mmwe mususse ensalo.***

**Eky'omusanvu:** Okulya ebisiyaga kinyiiza Allah. Kye yava asindika Nabbi mulamba agende abatiise omuze ogwo era abalagire baguveeko. Bwe baaguguba, ne bagulemerako, ogenda kulaba ekyabatuukako.



## OKUZIKIRIRA KW'ABANTU BA SODOMA

Nabbi Luutu ﷺ yatwala ebbanga ddene nga atiisa abantu be obubi bw'omuze gw'ebisiyaga gwe baali balemeddeko. Era n'abalabula okwekeka obusungu bwa Allah ﷺ n'ebibonerezo bye ebizikiriza. Olw'amaanyi, n'obuyinza, ne sente bye baalina, tebaakoma bukomi ku kujeema, wabula baagattako n'okutiisatiisa nabbi Luut ﷺ. Ne bamugamba nti yeekomeko, era akomye okuyingirira obulamu bwabwe.

Ne bamulaalika n'abakkiriza ab'olubatu be yali nabo, bo be baayitanga ab'oludiinidiini era abeetukuzatukuza, nti singa tebaleker'awo kubagambako, bajja kubagoba mu kitundu kyabwe. Allah ﷺ atunyumiza nti:

﴿قَالُوا لِئِنْ لَّمْ تَنْتَهِ يَكُوْلُطْ لَتَكُونَ مِنَ الْمُحْرَجِينَ﴾ [سورة الشعراء: ١٦٧]

**Ne bamugamba nti: Owange ggwe Luutu, singa teweekomeko,  
n'olekera awo okutuvumirira, ojja kugobwa mu  
kitundu kyaffe.**

Allah ﷺ era atunyumiza nti:

﴿فَمَا كَانَ جَوَابَ قَوْمِهِ إِلَّا أَنْ قَالُوا أَخْرِجُوهُ أَهْلَ لُوطٍ مِّنْ

﴿قَرَيَتِكُمْ إِنَّهُمْ أُنَاسٌ يَتَظَاهَرُونَ ﴾ [سورة النمل] ٥٦

**Tebaalaba kya kumwanukula okuggyako okugamba  
nti: Mufulumye abantu ba Luutu mu kitundu kyammwe,  
kubanga mazima ddala beenyinya la bye tukola ne  
beetukuzatukuza**

Allah ﷺ atunyumiza nti, mazima nabbi Luutu ﷺ yafuba okubatiisa obusungu bwe, n'okubasaanyaawo okw'omutawaana singa tebeckomeko. Wabula nga bbo okulabula kwe bajeeja kujeeje. Bagenda mu maaso n'ekize kyabwe ekivundu. Atunyumiza nti:

﴿كَذَّبَتْ قَوْمٌ لُّوطٌ بِالنُّذُرِ ﴾ [سورة القمر] ٣٣

**Abantu ba nabbi Luutu baalimbisa obubaka bwa Allah bwe  
yasindika nabwo nabbi we Luutu okubatiisa nabwo**

N'agamba era nti:

﴿وَلَقَدْ أَنْذَرَهُمْ بِطَشَّتَنَا فَتَمَارَقُوا بِالنُّذُرِ ﴾ [سورة القمر] ٣٧

**Mazima ddala nabbi Luutu yatiisa abantu be obusungu  
bwa Allah n'ebibonerezo bye, ne bagaana okumuwuliriza.  
Ne babuusabuusa mu butuufu bw'ebyo by'abagamba**

## ne bamulimbisa

Ne kye baasembayo okukola, okulaga nabbi Luutu ﷺ nti kawefube we yenna amufa bwereere, era nti tewali ssuubi lya kukkiriza by'abagamba, era nti by'abatiisa nabyo bo tebabitya, baamugamba aleete ebibonerez oebizikiriza ebyo by'abatiisatiisa nabyo buli kadde bw'aba nga ddala ayogera mazima. Allah ﷺ atunyumiza nti:

﴿فَمَا كَانَ جَابَ قَوْمَهُ إِلَّا أَنْ قَالُوا أُتَّيْتَ بِعَذَابِ اللَّهِ إِنْ كُنْتَ

مِنْ الظَّاهِرِينَ ﴿٦٩﴾ [سورة العنكبوت]

**Tebaalaba kya kumwanukula okuggyako okumugamba  
nti: Tuleetere ebibonerez o bya Allah bulijjo by'otusuubiza  
bw'oba nga ddala ggwe wa mazima**

## OKUSAANAWO KWABWE

Oluvannyuma lw'okubuulirirwa, n'okulabulwa,  
n'okunnyonyolwa, n'okutiisibwa, n'okugumiikirizibwa okwatwala  
ekiseera ekiwanvu, Allah ﷺ yasalawo okubatuusaako bulijjo  
ekibasuubizibwa mu busungu bwe. N'okubalaga nti bulijjo  
omubaka we Luutu ﷺ by'abagamba bya ddala, era mazima  
gennyini. N'okubalaga nti obungi bwabwe, n'obugagga,  
n'ebitiibwa, n'obuyinza ebizimbiddwa ku kukaafuwala n'okujeema  
tebirina kye biri mu maaso ga nnyini buyinza Allah ﷺ. N'okubalaga

nti okuzikirira kwe kuzikirira ne bwe kubaako enkuyanja y'abantu. N'okuwona kwe kuwona ne bwe kubaako ababalirwa ku ngalo.

Allah ﷺ atunyumiza entandikwa y'okuzikirira kwabwe, nga atandikira ku ba malayika be ab'ebitiibwa, be yatuma nga bali mu kifaananyi ky'abavubuka abalungi ababalagavu, ng'abatumye n'ensonga bbiri:

**Esooka** yabatuma eri nabbi Ibrahiim ﷺ ne mukyalawe Saarah bamuwe amawulire ag'essanyu ag'okuzaala omwana ow'obukadde ayitibwa Ishaaq ﷺ, oluvannyuma Ishaaq aveemu Ya'quub ﷺ.  
**Eyokubiri:** Okuzikiriza ekibiina ky'abakyafu, abakaafu, abalyi b'ebisiyaga, abeekuza ku mutonzi waabwe Allah n'omubaka we Luutu ﷺ. Allah ﷺ atunyumiza nti:

﴿وَلَقَدْ جَاءَتْ رُسُلُنَا إِبْرَاهِيمَ بِالْبُشْرَىٰ قَالُوا سَلَّمُ فَمَا لَيْثَ أَنْ جَاءَ  
بِعِجْلٍ حَيْنِزٌ ﴿٦٦﴾ فَلَمَّا رَأَهُ آتَيْدِيهِمْ لَا تَصِلُ إِلَيْهِ نَكِرَهُمْ وَأَوْجَسَ مِنْهُمْ  
خِيفَةً قَالُوا لَا تَخْفِ إِنَّا أُرْسِلْنَا إِلَى قَوْمٍ لُّوطٍ ﴿٦٧﴾ وَأَمْرَانُهُ وَقَائِمَةٌ فَضَحِكَتْ  
فَبَشَّرَنَاهَا بِإِسْحَاقَ وَمِنْ وَرَائِهِ إِسْحَاقَ يَعْقُوبَ ﴿٦٨﴾ [سورة هود]

Mazima ababaka baffe (ba malayika) bajja eri Nabbi Ibrahiim (mu kifaananyi ky'abantu) okumuwa amawulire ag'essanyu. Ne bamutoolera Salaam, naye nagiddamu. Teyabandaala, n'abaleetera ekijjulo ky'ennyama y'enneyana.

**Bwe yalaba emikono gyabwe tegyegolola kulya, n'afuna okutya. Ne bamugamba nti: Totya, mazima Allah atusindise kusaanyawo abantu ba nabbi Luutu. Ne mukyala wa nabbi Ibrahiim ng'ali awo ayimiridde, ne tumusanyusa n'okufuna olubuto lwa nabbi Ishaaq agenda okuvaavu nabbi Ya'quub.**

Nabbi Ibrahiim ﷺ bwe yamala okumanya nti abagenyi be si bantu abalya, wabula ba malayika abatalya, abatumiddwa okuva ewa Allah ﷺ, okutya kwamuggwamu. Wabula n'amanya nti, omutawaana omunene gwolekdedde abantu ba nabbi Luutu ﷺ ba kaggw'ensonyi abalyi b'ebisiyaga, abaludde ebbanga nga boonoona mu nsi n'ekikolwa emitima emiramu kye gyenyinyala, n'okwekuza ku mateeka g'omutonzi waabwe Allah ﷺ.

Ba nabbi, olw'okumanya kwe baalina ku bibonerezo bya Allah ebtalina asobola kubigumira, baba n'okusaasira kungi eri aboonoonyi, ate ng'aboonoonyi olw'okubuutikirwa sitaani tebeesaasira, wabula beekuza, ne beewaga, ne beewanika, kyokka nga omutawaana bwe gubajjira gubasanga ngalo nsa! Nabbi Ibrahiim ﷺ yalaajanira zi malayika zigira zirindako okubasaanyaawo. Allah ﷺ atunyumiza nti:

﴿فَلَمَّا ذَهَبَ عَنْ إِبْرَاهِيمَ الْرَّوْحُ وَجَاءَتِهُ الْبَشَرَىٰ يُبَدِّلُنَا فِي قَوْمٍ لَّوْطٍ﴾ [سورة هود: ٦٥]

**Nabbi Ibrahiim okutya bwe kwamuggwamu, n'afuna n'amawulire ag'essanyu (ag'omwana ow'obukadde nabbi Ishaaq agenda okuzaala nabbi Ya'quub), n'atandika ate okwegayirira zi malayika zireke kuzikiriza bantu ba nabbi Luutu**

Zi malayika zaamuddamu nti:

﴿يَأَيُّهَا أَعْرِضْ عَنْ هَذَا إِنَّمَا قَدْ جَاءَ أَمْرُ رَبِّكَ وَإِنَّهُمْ بِآتِيهِمْ

عَذَابٌ غَيْرُ مَرْدُودٍ ﴿٧١﴾ [سورة هود]

**Owange ggwe Ibrahiim! Eno ensonga giviireko ddala. Mazima ddala ekiragiro ky'omulezi wo kyafulumye dda. Era mazima ddala ebinonerezo ebitaddizibwayo biboolekedde.**

Nabbi Ibrahiim ﷺ n'azigamba nti: Ekitundu kye mugenda okuzikiriza kirimu nabbi wa Allah Luutu ﷺ. Ne zimugamba nti, ffe tukusinga okumanya abali mu kitundu ekyo. Era ne zimugumya nti, nabbi Luutu ﷺ, n'abantu b'enju ye, okuggyako mukyalaweyayolesanga obukkiriza kyokka nga munnanfuusi ali ku nkola y'abantu be, zigenda kubataliza okuzikirira. Allah ﷺ atunyumiza:

﴿قَالَ إِنَّ فِيهَا لُوطًا قَاتَلُوا نَحْنُ أَعْلَمُ بِمَنْ فِيهَا لَنْجِيَّنَهُ وَأَهْلَهُ وَإِلَّا

أُمَّرَاتُهُ وَكَانَتْ مِنَ الْغَارِبِينَ ﴿٣٦﴾ [سورة العنكبوت]

**(Nabbi Ibrahiim) n'azigamba nti: Mu kitundu ekyo mulimu nabbi Luutu. Ne zimugamba nti ffe tukusinga okumanya abalimu. Tugenda kumuwonya omutawaana gwonna, tuwonye n'abantu be, okuggyako mukyalaweyayolesanga obukkiriza kyokka nga munnanfuusi ali ku nkola y'abantu be, zigenda kubataliza okuzikirira**

## MALAYIKA ZITUUKA KU KITUNDU KYE SODOMA

Bwe zityo zi malayika zaakwata ekkubo, ne ziva ewa nabbi Ibrahiim ﷺ ne zoolekera ekitundu kye Sodoma. Ekitundu ky'abakyafu, abeesanyusa n'ekkubo ly'obukyafu, abalyi b'ebisiyaga abajeemu, nabbi Luutu ﷺ be yatumwamu. Baatuukira mu maka ga nabbi Luutu, era nga ge gaali amaka amasiraamu gokka nga bw'ojja okumanya. Kyokka nga nago galimu omukyala omukaafiri, mukyala wa nabbi Luutu ﷺ.

Nabbi Luutu ﷺ bwe yalaba abavubuka abagwira, abalungi ababalagavu, abali mu kifaananyi ky'obugenyi nga boolekedde amaka ge, yafuna ennyiike ey'amaanyi ku mutima, era n'atamwa okujja kwabwe. N'agamba nti: *Luno nno olunaku lugenda kubeera lwa mutawaana nnyo*. Anti yamanya nti, kasita amawulire g'abavubuka bano, n'endabika yaabwe ennungi gatuuka ku bantu be, bagenda kuyiika mu maka ge n'amabbabbanyi amakolimire, nga balulunkana okubalya ebisiyaga.

Bw'atyo n'atyabuabuya aboonoonefu okuweebuula abagenyi be ab'ebitiibwa mu maaso ge, naye aweebuuke eri abagenyi be olw'ekibakoleddwako. Ekirala, nga bw'ojja okulaba mu maaso, baali baamugaana okukyaza n'okubudamya omugwira yenna, nga bakiraba nti, akikola lwa kubalemesa kubatuukako. Allah ﷺ atunyumiza ku mbeera eyaliwo nga ba malayika batuuka, nti:

﴿وَلَمَّا جَاءَتِ رُسُلُنَا لُوكَـا سَيِّـءَ بِهِمْ وَضَـاكَ بِهِمْ ذَرَعًا وَقَـالَ هَذَا يَوْمٌ عَصِـيبٌ ﴾  
 وَجَـاءَهُ قَـومُهُ وَيُهَـرَّعُونَ إِلَيْهِ وَمَنْ قَـبْـلُ كَانُوا يَعْمَلُونَ السَّـيَـئَاتِ ﴿٧٧﴾  
 يَقُـومُ هَؤُلَـاءِ بَنَـاتِي هُنَّ أَطْهَـرُ لَكُـمْ فَاتَّقُـوا اللَّـهَ وَلَا تُخْرُـونَ فِي ضَيْـقٍ  
 أَلَيْـسَ مِنْكُـمْ رَجُـلٌ رَشِـيدٌ ﴿٧٨﴾ [سورة هود]

Ababaka bange ba malayika bwe bajja eri nabbi Luutu, yennyamira ng'abalabye, era n'afuna akatuubagiro ak'amaanyi. N'agamba nti: *Luno nno lubaze!* Abantu be (amawulire ne gabatuukako) ne bajjagawanye n'omulugube (gw'okwegadanga n'abagenyi). Anti yali mbeera yaabwe ey'okwebagalal ebikolobero.

Nabbi bwe yabalaba n'abagamba nti: Abange mmwe abantu bange! Abakyala baabo, mu butuufu be babagwanidde. Mutye Allah, temumpeebuula mu bagenyi bange nga mubenganga okubakolako eby'ensonyi. Ye bannange! Mwenna muli miwulenge, temuliimu wadde omu bw'ati alimu ku tondo ly'amagezi (abagambeko nti bannange kye tukola tekigwanidde)?!

Ne bamwanukula nti, bo tebalina mugabo gwonna ku bakyala, era nti tebabeegomberako ddala. Wabula nti bo baagala basajja bannaabwe bokka. Baamugamba nti:

﴿قَالُوا لَقَدْ عَلِمْتَ مَا لَنَا فِي بَنَاتِكَ مِنْ حَقٍّ وَإِنَّكَ لَتَعْلَمُ مَا نُرِيدُ﴾ (٧٩)

[سورة هود]

**Mazima okimanyi bulungi nti ffe tetulina bwetaavu  
bwonna ku bakyala b'otugamba, era mazima  
ddala be twagala obamanyi bulungi.**

Baagenda mu maaso ne bamulagira abafulumye mu nju ye ababawe. Oba ssi ekyo, bo bayingire babeetuukireko. Ne bamujjukiza nti, n'ekyokubudamya abagenyi n'abatambuze baakimugaana dda! Naye ku luno, ssi beetegefu kwesonyiwa bagenyi be mbu olw'ebitendo byabwa ebisikiriza bye baawulidde. Yabasaba batye Allah, nga buteerere. Allah ﷺ atunyumiza nti nabbi Luutu yabagamba nti:

﴿وَاتَّقُوا اللَّهَ وَلَا تُخْزِنُونَ﴾ (٧٩) **قَالُوا أَوْلَئِنَّهُمْ نَهَىٰ عَنِ الْعَلَيِّينَ**

[سورة الحجر]

**Bannange mutye Allah, temumpeebuula. Ne  
bamugamba nti: Tokimanyi nti twakugaana okubudamya  
omuntu yenna n'omutulemesa?**

Anti yali nkola yaabwe okuteega abatambuze ne babakaka ebisiyaga, ne babanyagako n'ebintu byabwe. Era mu bugwenyufu bwabwe, n'ebbulu ly'ensonyi n'ensa, bwe baatuulanga awamu, nga mu bibasanyusa okufa, kwe kuyisaayisa omukka mu lwatu nga tebeekwatiddwa nsonyi!! Yagamba Allah ﷺ nti:

﴿إِنَّكُمْ لَتَأْتُونَ الرِّجَالَ وَنَقْطَعُونَ السَّبِيلَ وَتَأْتُونَ فِي نَادِيكُمْ  
 الْمُنْكَرُ ﴾ [سورة العنكبوت: ٦٩]

Ddala ddala, mumala obwagazi bwammwe ne basajja bannammwe, ne muteega abantu mu makubo, ne mukola n'ebyambyone mu makungaaniro gammwe?!

Sheikhul Islam Ibn Taymiyyah yagamba nti:

وَقَدْ قَالَ طَائِفَةٌ فِي قَوْلِهِ تَعَالَى: {وَتَأْتُونَ فِي نَادِيكُمُ الْمُنْكَرَ} أَكْثُمْ كَانُوا يَتَضَارَّطُونَ  
 في مَحَالِسِهِمْ (مجموع الفتاوى لابن تيمية ١٦٥/٥)

Ekibinja ky'abamanyi ku Aya eyo ky'agamba nti: bwe baasisinkananga, yali mbeera yaabwe okuyisanganya omukka mu lwatu nga tebeekwatiddwa nsonyi

Byonna ebyo bigenda mu maaso, nga ba malayika basirise, balaba bulungi ekigenda mu maaso. Nabbi Luutu ﷺ bwe yalaba balemeddeko, ne yeewulira okulemererwa, mu nnaku ey'ekitalo, kye yava avaamu ekigambo ekyabaviiram mu akabasa. Yabagamba nti: Singa mbadde n'obusobozi, oba nga nina abannyambako, naalikozzeewo akatiisa ne mutatuuka ku bagenyi bange. Allah ﷺ atunyumiza nti:

﴿قَالَ لَوْأَنَّ لِي بِكُمْ قُوَّةً أَوْ إِمَّاوى إِلَى رُكْنٍ شَدِيدٍ ﴾ [سورة هود: ٨٠]

**Singa mbadde n'obusobozi, oba nga nina ba  
kirimaanyi abannyambako, naalikozeewo akatiisa  
(ne mutasaalimbira ku bagenyi bange)**

Embeera bwe yatuuka awo, malayika ne ziraba okwaziirana n'akatuubagiro nabbi Luutu ﷺ k'alimu, kye zaava zimweyanjulira afune ku buwerero, era amanye nti abagenyi be b'atiira tewali ayinza kubatuusaako ekkyo ky'abatiira wadde okukisemberera. Era amanye nti, naye kennyini n'abantu be, tewakyali asobola kubatuusaako mutawaana gwonna. Allah ﷺ atunyumiza nti:

﴿قَالُوا يَكُلُّونَ إِنَّا رُسُلُ رَبِّكَ لَنْ يَصُلُّوا إِلَيْكَ﴾

[سورة هود]

**Ne bamugamba nti: Owange ggwe Luutu! Mazima ffe  
tuli babaka abasindikiddwa okuva ew'omulezi wo.  
Kale tebasobolerako ddala abo kukutuukako.**

Mu bubuyabuya obw'ekitalo, bona nga batamidde obukaba n'obuseegu n'obwonoonefu, era ng'ekyoyoooyo ekikolimire eky'oktuuka ku basajja bannaabwe kibookyerera, baagenda mu maaso ne kawefube w'okuyingira mu nju ya nabbi Luutu ﷺ omwali abagenyi be. Ba kitawe baakolanga ebyo byonna nga tebakimanyi nti omutawaana gwabajjidde dda!

Allah ﷺ alina ebbeetu okulayira ky'ayagadde, yalayira obulamu bw'omubaka we Muhammad ﷺ, ng'atulaga embeera ey'obutamiivu

gye baalimu nga teri akyasobola kubakomako. Kyokka ng'ebula akaseera katono nnyo bagwe ku kibambilira, badde engulu, bazuule obunafu bwabwe, essanyu libaggweko olubeerera, bejjuse okwejjusa okw'obulumi kyokka ng'okwejjusa tekukyagasa. Yagamba ﴿٢٦﴾ nti:

﴿أَعْمَرُوكُمْ إِنَّهُمْ لَنِي سَكُونَتُهُمْ يَعْمَهُونَ﴾ [سورة الحمر] ﴿٧٦﴾

**Ndayira obulamu bwo! Mazima baali batamidde  
obuseegu, nga tebakyalina magezi gebuulirira**

Kigambibwa nti, nabbi Luutu ﴿٤١﴾ we yalaajanira, yali asinziira mu nju okubalemesa okuyingira, nga nabo bakola ekisoboka okuyingira. Malayika Jibril ﴿٤٢﴾ n'emugamba aviire omulyango, n'ebakuba ekimu ku biwawaatiro byayo, bona ne baziba amaaso. Abamu bagamba nti we yabakubira ekiwawaatiro baali bamenye nga bayingidde. Abalala bagamba nti malayika yabaiira nfuufu, ne baziba amaaso. Allah ﴿٤٣﴾ yekka y'amanyi ekituufu ekyabaziba amaaso, wabula yatukakasa nti yabaziba amaaso. Yagamba ﴿٤٤﴾ nti:

﴿وَلَقَدْ رَوَدُوا عَنْ ضَيْفِهِ فَطَمَسْنَا أَعْيُنَهُمْ﴾ [سورة القمر] ﴿٣٧﴾

**Mazima ddala baafuba okutuuka ku bagenyi be,  
ne tubaziba amaaso**

Bwe baaziba amaaso, baagumbulukuka mu maka ge nga balaajana, nga bagamba nti: Abange! Abange! Enju ya Luutu erimu abalogo. Ne bagenda nga bawera enkolokooto nti, ekinaakutuukako enkyaa

ojja kukiraba. Abul Khair Al Baydhawie **Rahimahullah** agamba ng'ayogera ku kyabaziba amaaso nti:

فَخَلَّا هُمْ أَنْ يَدْخُلُوا فَصَرَبَ جِبْرِيلُ عَلَيْهِ السَّلَامُ بِحَاجَةٍ وُجُوهُهُمْ فَطَمَسَ أَعْيُنَهُمْ وَأَعْمَاهُمْ،  
فَخَرَجُوا يَقُولُونَ النَّجَاءُ فَإِنَّ فِي بَيْتِ لُوطٍ سَحَرَةً (تفسير البيضاوي، 3/111)

Malayika bwe zaamukakasa nti tebasobola kumutuukako, n'alekera awo okusiitaana nabo, n'abaleka ne bayingira.

Malayika Jibril n'ebakuba ekiwawaatiro mu face zaabwe, n'ebaziba amaaso. Ne bafuluma nga balaajana nti:

munoonye obuwonero, munoonye obuwonero!  
Mazima enju ya Luutu erimu abalogo

Ekiragiro kya Allah ﷺ eri zi malayika ze, kyali kyafulumye dda; nti ba **mujirimu** abo basiguukululwe okuviiro ddala ku kikolo, mu nsiguukulula etaliimu kusaasira kwonna, basaanyizibwewo bonna, waleme kusigalawo wadde omukadde awedde ku mpagala, wadde omuwere. Ekyo nno, nga kigenda kubeerawo mu budde obwokumakya. Allah ﷺ agamba nti:

﴿وَقَضَيْنَا إِلَيْهِ ذَلِكَ الْأَمْرَ أَنَّ دَابِرَ هَؤُلَاءِ مَقْطُوعٌ مُّصْبِحِينَ ﴾٦٦  
[سورة الحجر]

Ne tumutegeeza nti, mu budde obwokumakya, abo ba kiwaji bagenda kusiguukululwa basaanewo bonna waleme kusigalawo n'omu

Nabbi Luutu ﷺ, mu kubakyawa okusuffu, yagamba zi malayika nti nedda temubalwisa, mubasaanyewo kati. Ne zimwanukula nti, nedda, akadde kaabwe mulindwa ka ku makya, era nti amakya tegali wala n'akatono. Zaamugamba nti:

﴿إِنَّ مَوْعِدَهُمْ أَصْبَحُ الْيَسَرُ بِقَرِيبٍ﴾ [سورة هود] ٨٦

**Obudde bw'okubazikiriza bwa ku makya. Abaffe,  
olaba amakya gali wala nnyo?**

### **NABBI LUUTU AFULUMA MU KITUNDU KYE SODOMA**

Bwe zityo zaalagira nabbi Luutu ﷺ, mu bwangu obw'ekitalo asenguke ekitundu ekyo, akifulumemu n'abantu be mu budde bw'ekiro ekisembayo. Ekiseera ky'okulya ddaaku, nga emmambya enaatera okusala, kibasange nga bamaze okusukka ensalo za Sodoma.

Zaablagira nti, bwe bawulira amaloboozi ag'entiisa n'okulaajana okw'okuzikirira, tekabatanda ne batunula emabega. Wabula bagende bugenzi mu maaso tebasibaamu. Kigambibwa nti, okubagaana okutunula emabega kyagendererwamu okubeewaza okulaga ennaku n'okukwatibwako okuzikirira kw'abalabe ba Allah ﷺ, era nga kirimu n'okulaga obutalumwa n'obutakwatibwako kikosa bakaafu, wadde okusaalirwa ebifo byabwe. Ate era ne kigambibwa nti, kyagendererwamu kubeewaza kuzikirira. Anti

mbu eyatunulanga emabega, okuzikirira naye kwali kwa kumutwaliramu.

Abalaba nti kyagendererwamu kubeewaza kulaga nnaku, balaba nti mukyala wa nabbi Luutu ﷺ teyali mw'abo abaali naye mu safaali y'okufuluma ekitundu kye Sodoma. Era nti Nabbi teyatawaana kumugamba kugenda nabo. Era balaba nti malayika zaamubuulira nti bulijjo munnanfuusi omukaafiiri atali naye mu bukkiriza, ne zimugaana okufuluma naye, ne zimulagira amuleke. Allah ﷺ yagamba nti:

﴿ضَرَبَ اللَّهُ مَثَلًا لِّلَّذِينَ كَفَرُوا أُمَرَاتٌ نُجْ وَأُمَرَاتٌ لُوطٌ كَانَتَا تَحْتَ عَبْدَيْنِ مِنْ عِبَادِنَا صَلِحَيْنِ فَنَاتَاهُمَا فَلَمْ يُغْنِيَا عَنْهُمَا مِنْ اللَّهِ شَيْئًا وَقَيلَ ادْخُلَا النَّارَ مَعَ الْمَذَخِيلَينَ ﴾ [سورة التحريم] ٦٠

Allah atubuulira eky'okulabirako ky'abakaafiiri, nga eky'okulabirako ekyo, ye mukyala wa nabbi Nuuhu ne mukyala wa nabbi Luutu. Bombiriri baali bakyala b'abaddu ababiri abalongoofu, kyokka bombi ne babakumpanya mu bukkiriza. Eky'okubeera bakyala b'abaddu abakkiriza (ba nabbi) tekirina kyonna kye kyabagasa (mu kuwona okuzikirira ku nsi, wadde okuva mu muliro ku Akhirat) wabula bagenda kugambibwa nti: muyingire omuliro, wamu n'abakaafiiri abalala abaguyingira.

Abamu ku balaba nti eky'okubagaana okutunula emabega kyagendererwamu kubewaza kuzikirira, balaba nti omukyala yafuluma naye. Wabula nti bwe yawulira okulaajana kw'abanywanyi be nga bazikirizibwa, n'akyuka natunula emabega n'akuba omulanga, naye nazikirizibwa. Bwe weetegereza Ayaat ez'enjawulo, olaba ng'abalaba nti teyafuluma naye, be basinga obutuufu. Allah ﷺ y'asinga okumanya. Ng'atunyumiza ku kiragiro ky'okufuluma Sodoma ekyaweebwa nabbi Luutu ﷺ, yagamba Allah ﷺ nti:

﴿فَاسْرِ بِأَهْلِكَ بِقِطْعٍ مِّنَ الْيَلَى وَلَا يَتَفَتَّ مِنْكُمْ أَحَدٌ إِلَّا أَمْرَاتُكُمْ إِنَّهُمْ مُصَبِّبُهُمَا مَا آَصَابُهُمْ إِنَّ مَوْعِدَهُمُ الصُّبُحُ أَلَيْسَ أَلَصْبُحُ بِقَرِيبٍ﴾ [سورة هود ٨٦]

**Fulumya abantu bo mu kiro, era tewaba n'omu ku mmwe akyuka ng'alina kyawulidde. Okuggyako mukyalawo, (yye tomfulumya), kubanga mazima ddala ekibambulira naye kigenda kumutwaliram. Obudde bw'okubazikiriza bwa ku makya, abaffe, amakya gali wala nnyo?**

Nabbi Luutu ﷺ yalagirwa mu kutambula abantu be babeere mu maaso, y'aba asema emabega. Era ne balagirwa mu kutambula bagoberere ebiragiro bya ba malayika tebabyawukanako. Baamugamba nti:

﴿فَاسْرِ بِأَهْلِكَ بِقِطْعٍ مِّنَ الْيَلَى وَاتَّبِعْ أَذْبَرَهُمْ وَلَا يَتَفَتَّ مِنْكُمْ أَحَدٌ وَامْضُوا حَيْثُ تُؤْمِنُونَ﴾ [سورة الحجر ٢٥]

**Fulumya abantu bo mu budde bw'ekiro, otambule nga ggwe osemye emabega, tewaba n'omu ku mmwe akyuka n'atunula emabega, ate mutambule nga mugoberera ebiragiro ebibaweebwa.**

Allah ﷺ era atunyumiza nti, baafuluma mu budde bwa Ddaaku, era nga Allah okubafulumya natabazikiriza wamu n'abo be yazikiriza, kwali kubasasula olw'obukkiriza bwabwe, n'obugumiikiriza obw'obulumi bwe baawangaaliram u n'abajeemu. Era kwali kubagulumiza, n'okubasitula, n'okwolesa obuwanguzi bw'abali ku mazima n'obulungamu n'obugonvu, abo abeebaza omutonzi ne batakaafuwalira byengera bye ng'abasajja b'ekitundu kye bwe baakaafuwalira ekyengera ky'abakazi.

Ne bwe baba banafu nnyo, era nga ba lubatu, abo be bakulu eri Allah ﷺ, era be bokka b'alabamu obulungi n'omugaso, era abagwana okuwona n'okutaasibwa. Yagamba ﷺ nti:

﴿إِلَّا إِلَّا لُوطٌ نَجَّيْنَاهُ بِسَحْرٍ ۖ ۚ نَعْمَةٌ مِّنْ عِنْدِنَا ۗ كَذَلِكَ تَجْزِي مَنْ شَكَرَ﴾  
[سورة القراء]

**Okuggyako abantu ba nabbi Luutu, abo bo nabataasa ku budde bwa daaku ng'emmambya enaatera okusala, ne mbafulumya mu kibinja ekyali kigenda okusaanyizibwawo. Kyali kyengera kya maanyi gye bali okuva gyendi. Bwentyo ebbanga lyonna bwe nsasula abo abeebaza.**

Bwe batyo, abantu ba nabbi Luutu ﷺ baatandika okutambula nga y'asembye emabega. Era nga be Basiraamu bokka abaali baamukkiriza ku millions z'abantu ennya! Era nga bonna baali ba nju emu, era nga y'enju ye yokka tewali ndala. Ate ng'enju ye, kigambibwa, nti yalimu abantu bana bokka; nabbi Luutu ﷺ, ne mukyalawe, ne bawala be babiri. Mu kufuluma, baafuluma basatu bokka, era nga be bakkiriza. Mukyalawe omukaafiiri omunnanfuusi nazikirira. Allah ﷺ atunyumiza nti:

﴿فَأَخْرَجْنَا مَنْ كَانَ فِيهَا مِنَ الْمُؤْمِنِينَ ﴿٢٥﴾ هَمَّا وَجَدْنَا فِيهَا عَيْرَ﴾

﴿بَيْتٍ مِّنَ الْمُسَلِّمِينَ ﴿٢٦﴾ [سورة الذاريات]

**Ne tufulumya (mu Sodoma) abo abaali Abakkiriza.  
Kyokka nga tetwasangamu okuggyako ennyumba  
emu yokka ey'abasiraamu**

## BAAZIKIRIZIBWA BATYA?

Obudde bwe bwakya, mu kaseera enjuba ng'evaayo, essaawa y'okuzikirira kwabwe n'etuuka. Ekiragiro kya Allah ﷺ eri ba malayika be eky'okuzikiriza n'okusaanyawo, n'okukkakkanya, n'okunyoomoola ba kiwagi abalyi b'ebisiyaga ne kifuluma. Bo nno, nga bali mu gandaalo tebeefiirayo, balowooza nti n'olwo olunaku lwa kufaanana ng'ennaku zaabwe eza bulijjo. Nga tebakimanyi nti baali tebagenda kuddamu kukomba ku ssanyu olubeerera.

Nga bali mu mbeera yaabwe eyo, ng'emitima gyabwe miggale tegikyalina kye gitya ku busungu bwa Allah wadde okweraliikirira, okuzikirira kwabwe kwatandika. Kwatandika n'eddoboozi ery'amaanyi ennyo, nga lya ntiisa nnyo, eriyuza omutima ne lijugumiza omubiri. Allah ﷺ atunyumiza nti:

﴿فَأَخْذَنَاهُ الصَّيْحَةُ مُشَرِّقَيْنَ﴾

[سورة الحجر]

### Okubwatuka okw'amaanyi okw'entiisa ne kubabuutikira awo ng'enjuba evaayo

Oluvannyuma n'alagira zi malayika zisooke ziyuuguumye ensi ya Sodoma oluyuuguumya olw'omutawaana, oluvannyuma zigisiguukulule okuviira ddala wansi mu buziba bw'ettaka, ziyetikke n'ebiramu byonna ebigiriko zigyambuse mu bwengula, oluvannyuma zigisulike - ng'abalyi b'ebisiyaga nabo bwe baasulika

ne bakyusa obubumbwa bwabwe - buli kigibaddeko nga kitunudde waggulu kitunule wansi, zigikomyewo mu bukambwe obw'ekitalo, zigikkate mu kifo wennyini we zaagisimye.

N'aziragira zisumulule enkuba y'amayinja agookya, galondoole buli mutuuze w'ekitundu ekyo ataasangibwa mu kitundu ekyo, oba eyawandagala n'agwa ebbali w'ekitundu, yonna gyali gamusaanyewo mu nsaanawo ey'obukambwe n'entiisa. Nsaba Allah ﷺ atuwe okwemanya obunafu, atutaase obugumu n'obuzira obw'ekibuyabuya. Allah ﷺ anyumya nti:

﴿فَلَمَّا جَاءَهُ أَمْرٌ نَا جَعَلْنَا عَلَيْهَا سَافِلَهَا وَأَمْطَرْنَا عَلَيْهَا حِجَارَةً مِّنْ

سِحِيلٍ مَنْضُودٍ ﴿٤٦﴾ مُسَوَّمَةً عِنْدَ رَيْلَكَ وَمَا هِيَ مِنْ

الظَّالِمِينَ بَعِيدٌ ﴿٤٧﴾ [سورة هود]

Ekiragiro kyaffe, eky'okuzikirira kwabwe bwe kyajja, twakwata ensi yaabwe ne tugivvuunika ekibadde kitunudde waggulu ne kitunula wansi. Ne tugitonnyesaako amayinja amookye amagumu, nga gagobereragana mu kuiikira abo be gasaanyaawo ng'enkuba, nga Allah agataddeko obubonero obugaawula ku mayinja go kunsi. Ekyonno ekibonerezoo tekiri bunaayira n'abo abakwata ekkubo lyabwe mu bulyazaamaanya n'okwonoona

Mu Ayat endala, Allah ﷺ yagamba nti:

﴿وَمَطَرْنَا عَلَيْهِمْ مَطَرًا فَسَاءَ مَطْرُ الْمُنْذَرِينَ ﴾ [سورة النمل] ٥٨

Ne tubafukirira enkuba (y'amayinja agookya). Mazima  
enkuba eyatonnyera abaabuulirirwa ne beekuza  
yali mbi nnyo

Mu Ayat endala, Allah ﷺ yagamba nti:

﴿وَمَطَرْنَا عَلَيْهِمْ مَطَرًا فَأَظْرَكَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الْمُجْرِمِينَ ﴾ [سورة الأعراف] ١٧٦

Ne tubafukirira enkuba y'amayinja agookya. Kale laba  
obubi bw'enkomerero ya ba kiwagi, ba nantagambwako.

Imaam Qataadah Bun Du'aamah Assaduusi **Rahimahullah**, omu ku  
bamanyi ba tafsiir abanene, era omu ku bayizi ba swahaabi  
ow'ekitiibwa ayitibwa Anas Bun Maalik ﷺ yagamba nti:

فَلَمَّا كَانَ فِي السَّحْرِ خَرَجَ لُوطٌ وَّأَهْلُهُ وَرَفَعَ جِرْنِيلٌ عَلَيْهِ السَّلَامُ أَرْضَهُمْ بِجَاهِهِ حَتَّى يَلْعَبَ بِهَا

السَّمَاءَ الدُّنْيَا حَتَّى سَمِعَتْ الْمَلَائِكَةُ نِيَاحَ كِلَّاهُمْ وَأَصْوَاتَ دِجَاجِهِمْ فَقَلَّبَهَا عَلَيْهِمْ

(تفسير ابن أبي زمین 1/294، والداء والدواء لابن القيم، 121)

Mu matulutulu nga bunaatera okukya, nabbi Luutu n'abantu  
be Abakkiriza baafuluma ensi ye Sodoma. Malayika Jibril  
n'asitula ensi yaabwe n'ekiwawaatiro kye, n'agyambusa

**mu bwengula okutuusa lwe yagituusa ku ggulu eryokunsi,  
malayika ne ziwlira n'okuboggola kw'embwa zaabwe,  
n'okukokolya kw'enkoko zaabwe. Bwe yamala  
n'agisulika n'agibavvuunikako.**

Shaikhul Islam Ibn Taymiyyah **Rahimahullah** yagamba nti, Allah ﷺ yabonereza abantu ba nabbi Luutu ﷺ n'ebibonerezo byataabonereza nabyo bajeemu balala:

وَعَذَّبَ قَوْمٌ لُوطٌ بِأَنْوَاعٍ مِنَ الْعَذَابِ لَمْ يُعَذَّبْ بِهَا أُمَّةٌ غَيْرُهُمْ . فَجَمَعَهُمْ بَيْنَ الْهَلَكَ وَالرَّحْمَ  
بِالْحِجَارَةِ مِنَ السَّمَاءِ وَطَمْسِ الْأَبْصَارِ وَقَلْبِ دِيَارِهِمْ عَلَيْهِمْ بِأَنْ جَعَلَ عَالِيهَا سَافِلَهَا  
وَالْخَسْفِ بِهِمْ إِلَى أَسْفَلِ سَافِلَيْنَ (مجموع الفتاوى لابن تيمية، 3/432)

**Abantu ba nabbi Luutu Allah yabatobekera ebika  
by'ebibonerezo byataatobekerako bajeemu balala bona  
mu bajeemu be yazikiriza: yabasaanyaawo n'okubafukirira  
amayinja agaava waggulu, n'okubaziba amaaso,  
n'okubavvuunikako ensi yaabwe, n'okubamiza  
ensi n'ebaserengesa ebuziba.**

N'awunzika Allah ﷺ, nyini nsi era nyini buyinza obujjuvu, ekyafaayo kyabwe nga alaalika abo bona abali ku kkubo lye limu ng'eryabo be yazikiriza; ekkubo ly'okwewa eddembe eritafugibwa biragiro by'omutonzi, n'okujeemera ababaka, n'okulya ebisiyaga, nti tebaguumaaazibwa okulindiikirizibwa n'okulekebwa ekiseera basobole okweddako, mazima ekyatuuka ku bali nabo kibali kumpi bwe bateddeko. Yagamba ﷺ nti:

﴿وَمَا هِيَ مِنَ الظَّالِمِينَ يُبَعِّدُهُ ﴾ [سورة هود] ٨٣

Ebibonerezo ebyatuuka ku bantu ba Sodoma, tebiri wala n'abali ku nkola yaabwe mu bulyazaamaanya

### ENSI YE SODOMA OLWALEERO

Ow'ekitiibwa Omukkiriza, ensi ye Sodoma bwe yamala okuvvuunikwa, n'ekkatibwa mu kifo we yasiguukululwa olukkata olw'omutawaana ennyo, ekifo ekijo kyafuuka ekiwonko ekyamaanyi, era kikyakka n'okutuusa olwaleero. Ky'ekifo ekisinga okuba ekya wansi (lowest altitude) mu nsi yonna. Embalama zaakyo, ziri metres 420 wansi w'obwenkamu bw'amazzi g'amayanja mu nsi yonna (below sea level)!

Ekifo ekijo kyennyini, Allah yakifuula ennyanja ewunya ekivundu, eyeenyinyalwa, ey'amazzi ag'omunnu omusuffu obuka, etaliimu bulamu era etawangaaliramu kiramu kyonna, ka kibe kyennyanja, oba ekiwuka, oba ebimera ebyomumazzi. Ennyanja eyo, eyitibwa **Dead Sea**. Abamanyi bangi, aba Tafsiir n'ebafaayo, balaga nti ennyanja eyo, kye kifo kyennyini ekyali kiyitibwa Sodoma. Imam Ibn Kathiir, eyafa emyaka 670H egiyise, mu Tafsiir ye yagamba nti:

وَإِنَّ قَرْيَةَ سَدُومَ الَّتِي أَصَابَهَا مَا أَصَابَهَا مِنَ الْقُلْبِ وَالْقَدْفِ بِالْحِجَارَةِ حَتَّىٰ صَارَتْ

جُنْيَةٌ مُنْتَهَى حَيَّةٌ بِطَرِيقٍ مَهِيجٍ مَسَالِكَهُ مُسْتَمِرَةٌ إِلَى الْيَوْمِ (ختصر ابن كثير للصابوني)

**Mazima ekibuga Sodoma ekyo ekyatusibwako ekibambulira,  
omwali okukivvuunika, n'okukifukirira enkuba y'amayinja,  
ne kituuka n'okufuuka ennyanja eyeeninyalwa era ewunya  
ekivundu, n'okutuusa olwaleero wakyaliwo ekkubo eggazi  
eriyitibwamu (omuntu n'alaba ekyabatuusibwako  
ne yeebuulirira)**

Era Allah ﷺ yagamba Abaquaish abashiriku abaali bagaanye okukkiriza omubaka Muhammad ﷺ beebuulirire n'ekyo kye balaba mu buwufu bw'okuzikirira kw'abantu ba Sodoma omuli ennyanja eyo eyeyoleseeko obubonero bw'okuzikirira era etalina nyanja yonna egifaanana mu nsi. Kubanga awo wennyini we waali ekkubo lye baayitangamu ku makya nga bagenda okusuubula e Shaam, era we baayitanga obudde obw'ekiro oluvannyuma lw'ekiseera mu madda. Yagamba nti:

﴿وَإِنَّكُمْ لَتَمُرُونَ عَلَيْهِمْ مُصْبِحِينَ وَبِالَّيْلِ أَفَلَا تَعْقِلُونَ﴾  
[سورة الصافات]

**Era mazima ddala mubayitako (mu kifo we baazikirizibwa)  
mu budde obwokumakya (nga mugenda). N'obwekiro (nga  
mukomawo), abaffe temulina magezi (geebuulirira ne  
mutya okutuusibwako ekyabatuusibwako)?**

## OKWEBUULIRIRA

Ow'ekitiibwa Omukkiriza, obukkiriza bwo tebukulekaamu kakunkuna nti ebigambo bya Allah ﷺ bye bisinga obutuufu n'amazima. Ebyafaayo by'atunyumiza, tebiri nga engero n'enfumo z'abafumi, ezo nga bwe ziwona okuba enjiiye, teziwona kuba nti zongeddwamu ne zisavuwazibwa.

Nga bw'okirabye nti teyabapapira, wabula yabawa ekiseera beebuulirire, era nabasindikira n'omubaka abajjukize, ne bekuza, ekyaddirira kwali kwejjusa okutagasa, n'ebiwoobe ebitaliiko mudduukirize. Naawe nno ali ku muze gw'ebisiyaga teweeyibaala. Essaawa yonna omutawaana gukuzingako, akalembereza k'olimu n'essanyu ne byawukana naawe olubeerera. Ibn Al Qayyim *Rahimahullah*, yagamba nti:

فَجَعَلَهَا آيَةً لِّلْعَالَمِينَ وَمَوْعِظَةً لِّلْمُتَّقِينَ وَنَكَالًاً وَسَلْفًا لِمَنْ شَارَكَهُمْ فِي

أَعْمَالِهِمْ مِنَ الْجُحْرِمِينَ (الداء والدواء لابن القيم، 122/1)

**Bw'atyo Allah, n'abafuula akabonero k'obuyinza bwe  
n'obusobozi bwe obutawunyikamu ku ba kiwagi. N'abafuula  
era, essomo n'ekyokwebuulirira eri abo abamutya. Ate  
era n'abafuula okulabula eri kiwagi yenna  
akwata ekkubo lyabwe.**

Era Ibn Al Qayyim n'agamba ng'ayogera ku mbeera n'obulamu abantu ba Sodoma gye balimu oluvannyuma lw'okuzikirizibwa nti:

ذَهَبَتِ اللَّذَاتُ وَأَعْقَبَتِ الْحَسَرَاتُ وَانْقَضَتِ الشَّهْوَاتُ وَأَوْرَثَتِ الشَّقَوَاتُ تَنَعُّمًا فَلِيًّا وَعَذْبًا  
 طَوِيلًا أَسْكَرُهُمْ حَمْرَةُ تِلْكَ الشَّهْوَاتِ فَمَا اسْتَفَاعُوا مِنْهَا إِلَّا فِي دِيَارِ الْمَعَذَبِينَ وَأَرْفَدُهُمْ تِلْكَ  
 الْغَفْلَةُ فَمَا اسْتَيْقَطُوا مِنْهَا إِلَّا وَهُمْ فِي مَنَازِلِ الْمَالِكِينَ فَنَدِمُوا وَاللَّهُ أَشَدُ التَّدَامَةِ حِينَ لَا يَنْفَعُ  
 النَّدَمُ وَبَكُوا عَلَىٰ مَا أَسْلَفُوهُ بَدَلَ الدُّمُوعَ بِاللَّمَعِ فَلَوْ رَأَيْتَ الْأَعْلَىٰ وَالْأَسْفَلَ مِنْ هَذِهِ الطَّاغِيَةِ  
 وَالنَّارِ تَخْرُجُ مِنْ مَنَادِلِهِمْ وَجُوْهِهِمْ وَأَبْدَاهِمْ وَهُمْ بَيْنَ أَطْبَاقِ الْجَحِيمِ وَهُمْ يَسْرُرُونَ بَدَلَ لَذِيْنِ  
**الشَّرَابِ كُؤُوسَ الْحَمِيمِ** (الداء والدواء، لابن القيم رحمه الله، 122/1)

Obuwoomerevu bw'obujeemu bwagenda dda, ne busikirwa okwejjusa okw'obulumi. Obwagazi bwabaggwako dda, ne busikirwa okuzikirira okw'olubeerera. Beeyagalamu kaseera katono nnyo, ne babonerezebwa kiwanvu nnyo. Baatamiira ettamiiro ly'obwagazi obw'obujeemu, amagezi gaagenda okudda nga bali mu nsi y'ababonerezebwa. Ne bawangaalira mu buteefiirayo ku mateeka g'omutonzi waabwe, baagenda okuzuukuka nga bali mu nsi y'abazikiridde.

Ne bejusa – Wallahi – okwejjusa okw'amaanyi, naye ng'okwejjusa tekukyalina mugaso. Ne bakaaba olw'ebikolobero bye beebagala, mu kifo kyamaziga nga bakaaba musaayi. Lowooza ku mbeera y'omusiyazi ne gwe yasiyaganga ng'omuliro gubafuluma mu bituli bya face zaabwe n'emibiri gyabwe. Nga bali mu biwonko by'omuliro, nga mu kifo ky'ebyokunywa ebiwoomu bo banywesebw  
 Iweje.....!!

Kale munnange weebuulirire n'ekyafaayo ekyo, anti ebyafaayo bya bannabbi bizibukula omutima ogulimu akalungi, ne gwekomako obutagwa ku kibambilira ekyagwa kw'abo abaakwata ekkubo ekkolimire - nga Allah ﷺ bwe yagamba nti:

﴿لَقَدْ كَانَ فِي قَصَصِهِمْ عَبْرَةٌ لِّلْأُولَئِكَ﴾ [سورة يوسف]

**Mazima ddala mu byafaayo byabwe mulimu essomo  
ery'omugaso eri abalina obwongo obusiriikirira**



## **ENNAMULA YA NABBI ﷺ KU BALYI B'EBISIYAGA**

Olw'obubi obw'amaanyi obuli mu muze gw'ebisiyaga, n'okuba nti ssi muze mwangu gwa kuziyiza obutafaananako obwenzi, kubanga bw'olaba omusajja ng'ali n'omukyala atamanyiddwa kuba mukyalawe, weekengera embeera yaabwe, naye tewali ayinza kwekengera ng'alabye omusajja ne musajja munne, ne bwe baba mu kifo ekyekusifu, ne kyetaagisa okuba nti, abakwatibwa mu kikolwa kino, bagwana kuggyibwa mu bantu okutaasa abantu, ng'ekitundu ky'omubiri ekirumbiddwa cancer atali mwangu wa kujjanjaba, bwe kitemwako okutaasa omubiri.

N'olwekyo, Nabbi waffe Muhammad ﷺ yalamula nti abakwatibwa mu kikolwa ky'okulya ebisiyaga, bombiriri, balina okuttibwa. Ne ba Swahaaba be bona ne bakyegattako nti omulyi w'ebisiyaga bw'akwatibwa, ekibonerezo kye kuttibwa. Nabbi ﷺ yagamba mu Hadiith eva ku Ibn Abbas رضي الله عنهما nti:

«مَنْ وَجَدْتُهُ يَعْمَلُ عَمَلًا فَاقْتُلُوا الْفَاعِلَ وَالْمُفْعُولَ بِهِ»

(رواية أبو داود وصححه الألباني، وقال ابن القيم في الداء والدواء: إسناده على شرط البخاري)

**Bwe musanga abakola ekikolwa ky'abantu b'omulembe  
gwa Nabbi Luutu (ebisiyaga), mutte eyeebagadde  
ekikolwa ne gw'akikolako.**

## ENNAMULA YA BA SWAHAABA ﷺ KU BALYI B'EBISIYAGA

Sheikhul Islam Ahmad Bun Abdulhalim Ibn Taymiyyah *Rahimahullah* mu bigambo ebiwanvu yagamba nti:

وَالصَّحِّيحُ الَّذِي اتَّفَقَتْ عَلَيْهِ الصَّحَابَةُ أَنْ يُقْتَلَ الْإِثْنَانُ الْأَعْلَى وَالْأَسْفَلُ. سَوَاءٌ كَانَا مُحْصَنِينَ أَوْ غَيْرَ مُحْصَنِينَ؛ فَإِنَّ أَهْلَ السُّنْنِ رَوَّا عَنْ ابْنِ عَبَّاسٍ رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُمَا عَنِ النَّبِيِّ صَلَّى اللَّهُ عَلَيْهِ وَسَلَّمَ قَالَ: {مَنْ وَجَدْتُمُوهُ يَعْمَلُ لُوطًا فَاقْتُلُوهُ الْفَاعِلُ وَالْمَفْعُولُ بِهِ}. وَرَوَى أَبُو دَاوُدَ عَنْ ابْنِ عَبَّاسٍ رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُمَا فِي الْبَكْرِ يُوجَدُ عَلَى الْلُّوْطِيَّةِ. قَالَ: يُرْجِمُونَهُ وَيُرْوِيُونَهُ عَنْ عَلَيِّ بْنِ أَبِي طَالِبٍ رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُ تَحْنُّثُ ذَلِكَ

Ekituufu ekyo ba Swahaaba ba Nabbi kye beegattako, kwe kuba nti abalyi b'ebisiyaga, akola ekikolwa ne gwe bakikolako, bombiriri ekibonerezo kyabwe kuttibwa. Ka babe nga balina abakyala, oba nga tebawasangako. Olwa Hadiith eri mu bitabo bya Sunan, nga eva ku Ibn Abbas, Nabbi yagamba nti: *Bwe musanga abakola ekikolwa ky'abantu b'omulembe gwa Nabbi Luutu (ebisiyaga), mutte eyeebagadde ekikolwa ne gw'akikolako.* Era Fatuwa ya Ibn Abbas, ne Ali Ibn Abi Twalib ku muvubuka atawasangako akwatibwa mu kikolwa ky'okulya ebisiyaga, eri nti: Attibwa n'amayinja.

وَلَمْ تَخْتَلِفْ الصَّحَابَةُ فِي قَتْلِهِ؛ وَلَكِنْ تَوَوَّعُوا فِيهِ. فَرُوِيَ عَنِ الصِّدِّيقِ رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُ أَنَّهُ أَمَرَ بِتَحْرِيقِهِ وَعَنْ بَعْضِهِمْ: أَنَّهُ يُلْقَى عَلَيْهِ جِدَارٌ حَتَّى يَمُوتَ تَحْتَ الْفَدْمِ

**Era ba Swahaaba ba Nabbi tebaawukanangako ku ky'okuba nti abalyi b'ebisiyaga bwe bakwatibwa balina kuttibwa. W'abula endaba zaabwe, kye zaayawukanamu, y'engeri gye battibwamu. Abubakar Asswiddiiq, ye yalaba nti, omuliro gukumwa ne basuulibwa mu muliro. Abalala ne balaba nti basuulibwako ekisenge ne kibekkatako (nga Allah bwe yakkata ensi ku bantu ba *Sodoma*)**

وَقِيلَ: يُحْبَسَانٌ فِي أَنْتَنِ مَوْضِعٍ حَتَّى يَوْمًا. وَعَنْ بَعْضِهِمْ: أَنَّهُ يُرْفَعُ عَلَى أَعْلَى جَدَارٍ فِي الْقُرْبَةِ وَيُرْمَى مِنْهُ وَيُسْتَغْشَى بِالْحِجَارَةِ كَمَا فَعَلَ اللَّهُ بِقَوْمٍ لُوطٍ. وَهَذِهِ رِوَايَةٌ عَنْ ابْنِ عَبَّاسٍ. وَالرِّوَايَةُ الْأُخْرَى قَالَ: يُرْجَمُ. وَعَلَى هَذَا أَكْثَرُ السَّلَفِ. (السياسة الشرعية، 32)

Abalala ne balaba nti, basibirwa mu kifo ekikyafu okutuusa lwe bafa. Abalala ne balaba nti, batwalibwa ku kifo ekisinga okuba ekiwanvu ku kitundu, ne bakasukibwa ne bekkata ku ttaka, ne bawereekerezebwa amayinja - nga Allah bwe yakola abantu ba *Sodoma*. Eyo y'endaba ya Ibn Abbas eyokubiri. Endabaye esooka, ey'okuba nti battibwa n'amayinja, y'endaba y'abamanyi abasinga obungi.

Ebigambo bya Ibn Taymiyyah bikomye awo.



## OBUSIRAAMU WE BUYIMIRIDDE

Ow'ekitiibwa omukkiriza, okulamula kwa Nabbi waffe ﷺ, n'okwegatta kwa ba Swahaaba be ab'ebitiibwa ﷺ ku kuttibwa kw'omulyi w'ebisiyaga, n'endaba zaabwe ku ngeri ez'entiisa gy'attibwamu, awamu n'ekyo nga nabbi waffe ne ba swahaaba be, be bantu abasinga abantu bonna okusaasira, kikulaga nti omuze gw'okulya ebisiyaga muze gwa mutawaana nnyo nnyo, wadde nga sitaani enkolimire eguwewula eri emyoyo emyonoonefu.

Eddiini y'obusiraamu w'eyimiridde ku nsonga y'ebisiyaga weerufu bulungi. Qur'an yatulaga bulungi obusungu bwa Allah ﷺ n'obukyayi bwe ku muze ogwo mu kyafaayo kya Nabbi Luutu ﷺ. Ennamula ya nabbi waffe, ne ba swahaaba be, nayo ogitegedde. N'abakkiriza tebaawukana na ddiini yaabwe weeyimiridde ku nsonga eyo. Era tebakubaganya birowoozo wadde okuwa ekitiibwa endaba yonna ewewula, oba ewundirira, oba eyekkiriranya ku muze guno omuvundu.

*Weetegereze:* Wabula kikulu nnyo okumanya nti ekiponerezo byonna Obusiraamu bye bwalaalika, tewali akkirizibwa kubituusa ku mwonoonyi okuggyako omukulembeze alina obuyinza obw'emmundai n'ebiragiyo ebtaliiko asobola kumuvunaana ky'akoze (*Sultan*), oba omusigire we mu kitundu kye yamuwa okukulembira. Tekikkirizibwa ku muntu ssekkinoomu, wadde ekibinja, wadde obukulembeze obatalina buyinza, ne bwe buba n'abagoberezi bangi nnyo, okutuusa ekiponerezo ekitongole

(*Hadd*) ku muntu yenna. Ogwabwe gwa kusomesa, na kujukiza, na kunnyonyyyola, na kutiisa.

Ekyo nno abamanyi b'obusiraamu baakyegattako. Imaam Annawawi mu *Al Majmoo'u*, Al Qurtubi mu *Tafsiir*, Ibn Hajar n'abalala, baaleeta okwegatta kw'abamanyi ku nsonga eyo. Yagamba Imaam Ibn Rushd **Rahimahullah**:

وَأَمَّا مَنْ يُقِيمُ هَذَا الْحَدَّ، أَيْ جَلْدٌ شَارِبٌ الْخُمُرِ، فَأَنْفَقُوا عَلَى أَنَّ الْإِمَامَ يُقِيمُهُ

وَكَذِلِكَ الْأَمْرُ فِي سَائِرِ الْحَدُودِ (بداية الجheed لابن رشد)

Ani atuusa ku munywi w'omwenge ekibonerezo  
ky'okunywa omwenge? Abamanyi baakyegattako nti  
omukulembeze w'eggwanga yakimutuusaako, era y'atuusa  
n'ebibonerezo byonna ebirala ku boonoonyi



## ENNAMULA YA BAYIBULI KU BISIYAGA

Olw'okuba atali Musiraamu ayinza okuwuniikirira nga alabye **ennamula** y'obusiraamu ku muze gw'ebisiyaga, n'alowooza nti **ennamula** eyo eyoleka obukambwe obusuffu obuli mu ddiini y'obusiraamu, kikulu nnyo okumumanyisa nti **ennamula** ya Bayibuli gy'akkiririzaamu teyawukana na namula ya Busiraamu ku muze guno. Ne Bayibuli eragira kutta balyi ba bisiyaga.

**Mu Baleevi, 18:22**, "Tosulanga na basajja, nga bwe basula n'abakazi, ekyo kya muzizo".

**Abaleevi, 20:13**, "Era omusajja bw'anaasulanga n'omusajja, nga bwe yandyebase n'abakazi, tebalemwanga kuttibwa; omusaayi gwabwe gunaabanga ku bo".

**Abakolinso, 6:9**, "Oba temumanyi ng'abatali batuukirivu tebalisikira bwakabaka bwa katonda? Temulimbibwa: newakubadde abakaba, newakubadde abasinza ebifaananyi, newakubadde abenzi, newakubadde abalyi b'ebisiyaga".

**Abaruumi, 1:27**, "Era abasajja bwe batyo bwe baaleka ekikolwa eky'omukazi eky'obuzaaliranwa, ne baddanga mu kwegombwa kwabwe bokka na bokka, abasajja n'abasajja, nga bakola ebitasaana..."

**Eky'amateeka, 22:5**, "Omukazi tayambalanga kya musajja, n'omusajja tayambalanga kyambalo kya mukazi: kubanga buli akola ebyo wa muzizo eri Mukama Katondawo".

**Ngamba:** Bwe kiba nga okukyusa ebyambalo kya muzizo, watya ate abo mbu abakyusiza ddala obutonde, abadde omukazi mbu n'afuuka omusajja, n'omusajja mbu n'afuuka omukazi?! N'olwekyo, wadde ffe Abasiraamu Qur'an etumalira, kikulu okumanya nti, n'amadiini g'abakrisitaayo ekitabo kye bakkiririzaamu kivumirira omuze guno, era kiramula ku bakwatibwa mu kikolwa ky'okulya ebisiyaga nti balina kuttibwa.

Teweerabira nti, amawanga agawomye omutwe mu kusaasaanya ekikolobero kino gonna gakkiririza mu Bayibuli eragira okutta abalyi b'ebisiyaga! Kyokka ate ne bakuba enduulu ey'omwanguka, ne baaziirana ne basiita n'ebigere, nga amateeka agakugira obukugizi omuze guno gakoleddwa!! Abo nno, bwe bateddeko, okuzikirira kuboolekedde.



# **EBISIYAGA!**

## **BUTONDE OBA BIRUNDE?**

Abakutte bendera mu kusaasaanya omuze gw'ebisiyaga, n'okugulungiya, n'okulwanyisa obukyayi bw'emyoyo emiramu ku muze guno, bakozesa amakubo ag'enjawulo mu kutuuka ku kiuubirirwa kyabwe eky'omutawaana. Ng'oggyeko okutiisatiisa n'okuteeka ku nninga amawanga agalwanyisa omuze guno, n'okukozesa ensimbi okugula emyoyo emikopi, emiruvu, egitaliimu nsa, wadde ekitiibwa, wadde eddiini, balina amakubo amalala ge bakwata okutuuka ku kiuubirirwa kyabwe.

Agamu ku makubo ago, kwe kuwolereza abeebagala ekikolobero ky'ebisiyaga, abaami n'abakyala, nti bambi ba kitawe, bwe batyo bwe baatondebwa!! Era nti tebalina njawulo n'abantu abalala abatali balyi ba bisiyaga!! Era nti waliwo abantu abaatondebwa nga bo bwe batyo tebaagala bakyala, wabula nga baagala basajja bannaabwe!! Bafunayo n'abamu ku bayivu, ba kakensa abakozi ba sitaani, mbu ne bakola research, ne bakizuula mbu okulya ebisiyaga ssi muze omuntu gwayiga nga bwayiga okunywa sigala, wabula mbu bubumbwa bwennyini omusiyazi bw'azaalibwako!!

Kimanye owange ggwe Omukkiriza ow'ekitiibwa nti ekyo kye boogera nti ebisiyaga bubumbwa, ssi kituufu n'akamu. Wabula bulimba obukolimire. Ebisiyaga kize kye balunda obulunzi, ne bakisaasaanyaizaako omudidi gw'ensimbi omuyitirivu, ne

bakiddingana mu matu g'abantu, ne bakiwundirira, ne bakyogerera, emyoyo emikyafu ne gikigula, okutuusa lwe kigibukalamu. Soma Ekitabo: ***Homosexuality: Nurture or Nature?***

Singa Allah ﷺ yatondera abalyi b'ebisiyaga abasajja ku bubumbwa obutaliimu bwagazi eri bakyala, n'abatondera ku bubumbwa obwagala basajja bannaabwe, teyalibabonerezza wadde okubavumirira olw'ebikolwa byabwe bye bakolera ku bubumbwa bwe yabatonderako. Obwenkanya bwa Allah ﷺ tebusobola kuvunaana muntu kintu Allah ﷺ kye yasiba ku butonde bwe natakimuwaako busobozi bukikyusa.

Wakirabye bulungi, mu kyafaayo kya nabbi Luutu ﷺ nga Allah avunaana abantu b'ekibiina kye okulekawo abakyala ne boolekera basajja bannaabwe. Singa Allah ﷺ teyabatonderamu bwagazi bw'abakyala kyalibadde ng'okuvunaana empologoma obutalya muddo oba ente obutalya nnyama.

Era yaalibadde abavunaana ky'ataabawaako busobozi. Kubanga okubaako kye bakola n'abakyala b'abavunaana okulekawo, kibeetaagisa okuba n'obwgazi obubasobozesa okuyimirira ennyimirira ey'ekisajja babeeko ne kye bakola. Bwe bataba na bwagazi, tebasobola kuyimirira nyimirira eyo.

Ne kitegeeza nti, emitima gyabwe yagitonderamu ddala obwagazi eri abakyala. Naye olw'obwonoonefu bwabwe, n'akambaayaaya, ne kawefube waabwe ow'okwonoona ensi, n'okufuba kwabwe okufootoola obuyinza bw'omutonzi n'amateeka ge mu nsi ye, babalekawo mu bugenderevu ne beebagala basajja bannaabwe!

Abo nno zibasanze. N'olwekyo ebisiyaga muze ba nyinigwo gwe beerundirako so ssi bubumbwa bwe baatonderwako.

## EDDEMBE LY'OBUNTU

Omuntu kitonde mu bitonde by'omutonzi Allah ﷺ. Ye yakinandikawo nga tekyaliwo, n'akikuliza mu nabaana emyezi mwenda nga tekirina kye kimanyi, ne kizaalibwa, n'akirabirira okutuusa lwe kikula. Ne kisanga ku nsi obulamu obujjuvu bwe kitaateekateeka wadde okubaako kyonna kye kyayambako mu kuteekateeka obulamu obwo.

Tekyetonda, wadde okwetondako ekitundu kyonna eky'omubiri gwakyo, eky'omunda ng'ekibumba, wadde eky'okungulu ng'enviiri. Tekyatonda nsi kwe kikolera era kwe kitambuliza obulamu bwakyo. Wadde okutonda ekitangaala ky'enjuba kye kirabisa okulungama eri emigaso gyakyo. Wadde amazzi, ebimera, n'eb'y'okulya eby'enyanja n'olukalu n'ebbanga.

Entandikwa y'ekitonde ekiyitibwa omuntu mazzi amanyoomoofu. Enkomerero yaakyo gye kitasobola kuziyiza kubeerawo, kufa na kuvunda. Omuronzi Allah ﷺ ye yakinonda, era ye yateekateeka obulamu bwakyo, era y'avunaanyizibwa ku nkomerero yaakyo, era gy'ali gye kigenda okudda.

Kati mazima ddala, ng'ekitonde ekyo tekyagadde bwagazi kwezikiriza, kigwanidde okuwangaala ku nsi nga ki mawaggali, ki mawale, ki kyewtala ekitafugwa mutonzi waakyo? Mugabo ki gwe

kirina ku bulamu bwakyo, wadde ku nsi kwe kiwangaalira, ogwo ogukiwa ebbeetu okuwangaala nga bwe kyagadde n'obutawa kitiibwa mateeka g'omutonzi waakyo? Omuntuasuubidde nti, omutonzi we agenda kumutonda, amuleke bulesi awo nagalaale nga tamulinaako buyinza wadde ebiragiro?! Allah ﷺ yabuuza nti:

﴿إِنَّمَا يَحْسَبُ الْإِنْسَنُ أَنَّ مُتَّرَكٌ سُدًّا﴾ [سورة القيمة]

**Omuntuasuubidde nti: Agenda kutondebwa, alekebwe  
awo nagalaale nga talagirwa wadde okugaanibwa?!**

Era n'abuuza nti:

﴿يَا أَيُّهَا إِنْسَنُ مَا عَرَفَ بِرَبِّكَ الْكَرِيمِ ۖ ۚ أَلَّذِي خَلَقَكَ فَسَوَّكَ فَعَدَّلَكَ ۖ ۚ فِي أَيِّ صُورَةٍ مَا شَاءَ رَبُّكَ ۖ ۚ﴾ [سورة الانفطار]

**Owange ggwe omuntu! Kiki ekikweyinudde,  
ekikwesiguzza n'oba nga teweefiirayo ku biragiro  
by'omutonziwo eyakulongooseza obulamu era agwana  
okwebaza? Nga ye yakutonda, nakwenkanyankanya,  
n'akuteeka mu kifaananyi n'enfaanana ye gye yasalawo?**

Mu Ayat ezo, n'endala nyingi nnyo mu Qur'an ey'ekitiibwa, Allah ﷺ atulaga nti omuntu teyatondebwa kuba kyetwala. Wabula eyamutonda amulinako ebiragiro ebiteekeddwa okugonderwa. Ekyo bw'oba okitegedde bulungi, kimanye nti okuwangaala empangaala yonna ekontana n'ebiragiro by'omutonzi tekiri mu

ddembe ly'obuntu. Eddembe ly'obuntu liri mu mpangaala yonna etaliimu kukontana na biragiro by'omutonzi.

Kati wakitegedde bulungi mu kyafaayo Allah yennyini kye yatunyumiza ku nabbi Luutu ﷺ n'abantu be abaali abalyi b'ebisiyaga, nti Allah ﷺ yaziyyiza omuze gw'okulya ebisiyaga era akyayira ddala nnyo omuze ogwo. Yabonereza abaakulembra okugwebagala ebibonerezo by'ataabonereza ba kiwagi balala. Kitegeeza nti okulya ebisiyaga ssi ddembe ly'obuntu wabula bujeemu na bwonoonyi obutagenda kuwa ssanyu muntu yenna anaasisinkana nabwo omulezi w'ebitonde.

## **EBISIYAGA BIKAAFUWAZA?**

Okulya ebisiyaga okw'enkukutu muze omuyige ogw'obwonoonefu era ogwenyinyalwa. Nyinigwo akakatbwako okweraliikirira omuze ogwo nga bwe yeeraliikirira emize emirala eminene Obusiraamu gye bwaziyiza, n'akola kaweeufube aguvaako nga tannabuutikirwa busungu bwa Allah ﷺ.

Kyokka ate okwerangirira mu lwatu nti oli mulyi wa bisiyaga, mu ngeri y'okubyenyumirizaamu, n'okulaga nti tebirina mutawaana, era nti ddembe lya buntu, obwo nno ate buba bukaafiiri obutaliiko kabuuza, wadde akakunkuna. Era bukalukalu obuzikiriza nyinibwo, ne bumusiraanyiza mu muliro ogw'olubeerera. Yenna akontana n'omutonzi w'eggulu n'ensi, n'atongoza kye yaziyyiza, n'ahalalisa kye yagaana, n'awewula kye yaagulumiza, afuluma mu Busiraamu n'afuuka **Murtad**.

Afa nga eyo ye mbeera ye emumanyiddwako, tanaazibwa, tasaalirwa, taziikibwa mu limbo z'abasiraamu kubanga aba afudde mukaafiiri. Kyokka akola omuze ogwo, nga tamanyiddwamu kugwenyumirizaamu, n'okuguwolereza, n'okugwolesa ng'eddembe ly'obuntu, wabula ng'akukuta ng'abenzi bwe bakukuta, oyo talina njawulo n'abasiraamu abeebagala amazambi amanene, era bw'afa ayisibwa ng'abasiraamu bwe bayisibwa nga bafudde.

## **AGAMU KU MAKUBO G'OKUZIYIZA EBISIYAGA**

**Erisooka:** Okutya Allah ﷺ omutonziwo era omulabirizi wo. N'okumukwatirwa ensonyi ng'omujeemera n'ekyonoono ekimunyiiza ennyo. N'okutya okubuutikirwa obusungu bwe ku nsi n'oluvannyuma lw'okumusisinkana.

**Eryokubiri:** Okulowooza ku mitawaana egiva mu kize ky'ebisiyaga egynoona essanyu lyo ery'ensi, omuli agalwadde ag'omutawaana, n'okwonooneka kwa laasitiika efuga enfuluma y'obukyafu ne weesanga mu nsi nga oyika buyiisi!!

**Eryokusatu:** Okulowooza ku kitibwa kyo ggwe nga omusajja, engeri musajja munno gyakukkakkanako n'akwebagala ng'omukyala! N'akuteeka ku mbeera eya wansi era ey'obunyoomoofu ku musajja. Ekitibwa ky'embeera y'okuwasibwa n'okwebagalwa Allah ﷺ yakiwa mukyala yekka. Era gwe yawa enkula n'ebitendo ebimufuula ow'ekitiibwa mu mbeera eyo. Ku musajja bunyoomoofu na buweebuufu.

**Eryokuna:** Okuboola omuntu yenna amanyibwamu okusaasaanya ekize ky'ebisiyaga kimuwe okwewulira obunyoomoofu n'okwenyinyalwa mu society asobole okuva ku mbeera eyo.

**Eryokutaano:** Okwesamba n'okwesambya abaana bo emikwano egimanyiddwa oba egirowoozebwaa okuba n'ekize ekayo. N'okubeesambya amasomero n'amatendekero agawulirwamu ekize ekayo.

**Ery'omukaaga:** Okulondoola engeri omwanawo gy'akozesaamu essimu n'ebiyuma ebirala ebiyunge ku internet nga weetegereza by'alaba ku mitimbagano n'obubaka obumuweerezebwa. Emizannyo mingi ku ssimu, ne ku computer, ne ku TV naddala cartoon w'abaana abato, girimu okusaasaanya enjiri y'ekize ekkyo mu ngeri abazadde gye batateekako birowoozo.

**Ery'omusanvu:** Okuwagira gavumenti mu kawefube waayo ow'okulwanyisa ekize kino mu makubo gonna g'ekozesa agatakontana na ddiini yaffe.

**Ery'omunaana:** Okusenguka ebifo n'amawanga agawa ebbeetu ekize ekkyo, nga weetiira obusungu bwa Allah naawe okukutwaliramu nga busse, n'okutiira abaanabo abo abasiiba bamatizibwa obulungi bw'ekize ekkyo, era abo b'ogenda okufa obaleke mu bifo ebyo obeekangire mu bbaliro nga ggwe wabazikiriza.

**Nga mmaliriza**, nsaba Allah ﷺ ateeke omukisa mu kitabo kino, akiteeke mu mirimu egikoleddwa ku lulwe, era agase nakyo Obusiraamu n'abasiraamu. Okusaasira n'emirembe bibe ku w'ekitiibwa Muhammad ﷺ, n'abantu be, ne ba swahaaba be, n'abo bonna abagoberera obulungamu bwabwe okutuusa ku lunaku lw'enkomerero.

**Muhammad Quraish Mazinga**

**Dar Al Hadiith**

**Al Fuyuush**

**Yemen**

**1<sup>st</sup> May 2023**